| Essomo 6 | الدرس السادس |
|---|---|

# Obukwakkulizo bwa la illah illa llah:

Ekigambo kino ekyokwawula katonda la illah illa llah kirina obukwakkulizo musanvu nga omuddu singa akkiriza natabutuukiriza tekibeera kituufu era talina wadde okmenya ekintu kyonna mubukwakkulizo bwakyo, nga ne mubyo;

**Akakwakkulizo akasooka: Kwekumaya.**
Okumanya kuno kwekumanya makulu gekigambo kino mu kujjawo kwakyo nemukunweza kwakyo, era nebyo byekikukakasaako okubikola bwabeera nga okkirizza.
"Okugeza omuddu bwamanya nti Allah yateekwa okusinzibwa yekka mubwomu bwe, nti era okusinza atali yye abeera asinziddwa mu bukyamu, oyonno yabeera ategedde amakulu gakyo aganamaddala, nga bwagamba Allah mu Suratu Muhammad Aya 19.
Agamba Allah nti era manya nti mazima tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah (omu yekka)
Era n'agamba omubaka SAW mu Hadith eyawandiikwa Imaam Musilimu nti;

"Agamba Uthuman nga ajja ku Nabbi SAW nti yagamba nti omuntu yenna afa nga akimanyi nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah ayingira ejjana"

**Akokubiri kwekukakasa onwanamaddala:**
Okukakasa okwanamaddala kuno ye muntu okwatula ekigambo kino ekya Shahada nga kujjuvu mu mutima gwe era negutebenkera kukyo awatali kubeeramu kubuusabuusa kwa syayitwan. Mu bantu ne mu majinni kwaleetera abamu, wabula akyogera n'okukakasa nebyo byekitukakasaako nga mu makafu ddala olukakasa olunywevu ddala, nga Allah bwagamba mu Surutu Hujurat aya 15;
Agamba Allah nti mazima abakkiriza aba namaddala bebo abakkiriza Allah n'omubaka n'oluvanyuma nebaatabamu nakubuusabuusa kwonna.
Era agamba Omubaka SAW mu hadith Musiriim
Agamba Abi Huraira ® nti mazima omubaka wa Allah SAW yagamba nti ekigambo kya Shahada nti tewali asinsibwa mu mazima okujjako Allah nti nange (Muhammadi) ndi mubaka wa katonda toyinza kusisinkana nabyo Allah omuddu nga tabibuusabuusamu okujjako okuyingira ejjana.

**Akakwakkulizo akokusatu kwekukkiriza**
Okukyogera ekigambo ekyo.
Okukkiriza ekigambo kino kwekukkiriza okukyatula era n'okukkiriza n'omutima gwo wamu n'olulimi nabuli kyonna kyekitukakasaako ekigambo kino okukola era n'okakasa byonna byeyannyonnyola omubaka SAW era n'obikkiriza, era nga okkiriza ekigambo kino nga tonoonyamu okujjako okusanyusa Allah nga bwogamba Allah mu Surat Baqara aya 285.
Agamba Allah nti okkirizza omubaka ebyo byonna ebiddwa gyali okuva eri omuleziwe wamu n'abakkiriza nabo bakkirizza katonda bonna nebamalayukabe nebitabobye bnabababakabe era tetwawula wakati womu yenna mubababakabe Allah nebagamba nti tuwulidde netugonda tusane ekisonyiwo kyo Katonda mukama waffe era gyoli y'eri obuddo.
So nga era kyebayita okugaana ekigambo kino kitwaliramu okuwakanya agamu kumateeka okulamulirwa Sharia yabusiraamu gamba okuwakanya ebimu kubibinerezo Allah byeyasaawo nga okukuba amayinja, omwenzi okukutemako omukono eri oyo abbey n'ebirala nga okuwasa abakyala abasukka mw'omu oba engabanya y'obusika n'ebirala.
Agamba Allah mu Surat Ahizaabu aya 32.
Agamba Allah nti tekiteekwa kubeera eri omukkiriza omusajja wadde omukkiriza omukazi singa Allah n'omubakawe basazeewo kunsonga yonna ate yye omukkiriza n'abaako n'okwesalirawo mokulala kwonna okwawukana kukusalawo kwa Allah n'omubakawe.